
# Ebyayoleseddwa mu mwoleso gwa Harvest Money by'olina okumanya




Bya HERBERT MUSOKE



Abantu nga beetegereza enkota z'amatooke. Kozesa Vision Digital Experience olabe vidiyo.

WADDE nga wiikendi yabaddemu enkuba, tekyagaanye balimi, abalunzi n'abaliko bizinensi ez'enjawulo ezitambulira ku bulimi n'obulunzi okweyiwa mu mwoleso gwa Harvest Money ogwakomekkerezeddwa eggulo.

Guno gwabadde mulundi gwa 10 ogw'omwoleso guno era abantu okuva mu nsonda z'eggwanga kw'ossa amawanga ag'enjawulo baagweyiyeemu nga bagamba nti, bazze okwolesa ate abalala okubeerako bye bayiga n'okwegulira.

Omwoleso gw'omwaka guno gutambuliziddwa ku mulamwa ogugamba nti, "Obulimi n'obulunzi nga bizinensi, okugattako omutindo n'obwegassi", era abalimi, abalunzi, abasuubuzi, bannamakolero, kkampuni za kuno n'eziva ebweru w'eggwanga, ebitongole bya Gavumenti n'ebyobwannakyewa na buli aliko by'akola mu bulimi n'obulunzi, baayolesezza kw'ossa okusomesa n'okusala emiwendo gy'ebyamaguzi byabwe.

### OMUTINDO GW'ETTAKA GWE GUKUPIMIRA AMAKUNGULA N'AMAGOBA

Joel Ssenjala, akulira Holland Greentech ng'ono yabadde mu kyalo kya Budaaki (Dutch Village) abatuusa tekinologiya akozesebwa mu kulima enva endiirwa okw'omulembe agamba nti, kikulu omulimi yenna okumanya omutindo gw'ettaka kw'alimira era n'aliriisa lisobole nalyo okumuliisa.

Ssenjala agamba nti, omuntu ayagala okufuna mu bulimi n'obulunzi, sooka okebeze ettaka lyo nga kino kitwala eddakiika ttaano zokka okumanya ebiriisa ebiririmu n'obungi bwabyo, olwo omanye ekikwetaagisa okwongeramu okusobola okulifunamu obulungi.

"Okukebeza ettaka kikuyamba okumanya ekirime ekisobola okukola obulungi mu kitundu ky'olimu, ekika ky'ekigimusa ky'olina okugula n'ebirala olwo n'otomala gagula bigimusa ng'oluusi ebiri mu ttaka bimala," Ssenjala bw'agamba.

### OLULYO LW'ENTE EVAAMU LIITA Z'AMATA 50 OLUNAKU

Kkampuni ya URUS y'emu ku zaayolesezza tekinologiya ayamba abalunzi okufuna olulyo lw'ente ez'amata n'ennyama olw'omutindo okusobola okufuna ekisinga.

Dr. William Kabanda owa URUS Uganda agamba nti, wadde tekinologiya w'okuwakisa ente ng'omulunzi yeeyambisa amazzi ebaddewo kyokka abalunzi bangi babadde bafiirizibwa ssente olw'ensobi ez'enjawulo ng'ezimu ziva ku bo, ng'obutamanya nteekateeka ya nte egenda kuwakisibwa ate endala ne ziva ku bawakisa ng'entambuza y'amazzi.

Hood Kiwana Kasirye owa Kasirye Breeder era omuwanguzi w'empaka z'Omulimi Asinga yayolesezza olulyo lw'ente ezisobola okuvaamu liita z'amata okutuuka ku 50 olunaku era n'asomesa abalunzi endabirira y'ente entuufu.

"Olulyo oluvaamu amata kubadde kusoomoozebwa mu Uganda, wabula ku ffaamu yange tusobola okukulaga engeri gy'osobola okulongoosa olulyo lw'ente zo ng'okozesa amazzi ate n'endabirira yaazo entuufu omuli endiisa, okulwanyisa obulwadde n'ebirala okukula n'okusigala nga nnamu ekiseera kyonna olwo n'okola ssente," Kiwana bw'agamba.

### AMATA G'EMBUZI GAKOLEBWAMU EBIZIGO BY'OLUSUSU

Hamisi Semanda, dayirekita wa Ham Animal Breeding Farm, yayolesezza wansi w'ekitongole kya Heifer International n'alaga endyo z'embuzi okuli; Boar, Kalihari Red ne Savvana.

"Zino ze zimu ze tugabira abavubuka n'abalunzi abali mu nteekateeka ya Heifer International era gugenda kuyigiriza abantu by'olina okukola okufuna ssente mu mbuzi nga zikula mangu okuyita mu ndabirira n'ebirala," Semanda bw'agamba.

Ate Juliet Kanyesigye yasomesezza n'okwolesa embuzi z'amata kw'ossa ebikolebwa mu mata okuli; ebizigo, yogati n'ebirala by'agamba nti, bye bisinga obulungi ku lususu nga n'embuzi z'amata nnyangu za kulunda era zikola amagoba.

## Omuddo gutwala ebitundu 70 ku 100 ku ffaamu

Aba Itungo pastures baayolesezza ebika by'omuddo omulunzi bye yeetaaga okufuna ekisinga mu ffaamu ye n'engeri y'okugukwatamu n'okugutereka okusobola okusigala ng'ofuna mu by'olunda ekiseera kyonna.

"Omuddo gutwala ebitundu 70 ku 100 eby'ensaasaanya za ffaamu. Kino kitegeeza nti, omulunzi kikwetaagisa okubeera n'omuddo ogumala okusobola okusigala ng'okufuna mu by'olunda naddala mu kyeya," aba Itungo bwe bagamba.

### EDDAGALA ERIRI KU MUTINDO

Kkampuni ezikola n'okutunda eddagala ly'ebisolo n'ebinyonyi zaayolesezza eddagala eririko n'okusomesa abalunzi bye bateekeddwa okugenderera nga bagula n'okukozesa eddagala okwewala okufiirizibwa ssente ne bye balunda.

Dr. Josephat Yiga, okuva mu kkampuni ya Eram Uganda agamba nti, baaleese eddagala erisinga omutindo. N'agamba nti, olw'obutamanya bikwata ku ddagala, bangi bawunzika nga baguze eddagala ekkyamu ekibafiiriza.

"Omwoleso guno mulungi nnyo kuba gutuwa omwagaanya okwogerezeganya ne bakasitoma baffe ne batubuulira ebibasoomooza, naffe ne tubawa amagezi kuba ebimu biva ku butamanya olwo ne bagwa mu basawo abafere," Yiga bw'agamba.

EBIRALA BIRINDE WIIKI EJJA.

## Enkoko enzungu zisobola okubiika amagi ag'enjuba eya kyenvu

Kkampuni ez'enjawulo zaayolesezza emmere n'ebirungo ebikozesebwa okutabika emmere y'ebisolo, ebinyonyi n'ebyennyanja okulaba ng'ebirundibwa bissaako obuzito obwetaagibwa mu bbanga ettono, okuzaala n'okubiika, olwo omulunzi n'afuna amagoba.

Kkampuni ya Tunga nutrition ekola emmere ya Hendrix n'eya Champrisa International baayosezza emmere esinga omutindo kw'ossa okusomesa abalunzi ku ngeri gye basobola okuddukanyaamu ffaamu zaabwe zibakolere amagoba.

**Chris Magezi, akulira Champrisa International** ababunyisa akalungo ka Hendrix akakolebwa Tunga nutrition mu Uganda agamba nti, ng'oggyeeko okwolesa emmere n'akalungo kaabwe, baawadde abalunzi omukisa okubakeberera omutindo gw'ebikozesebwa mu kutabula emmere ku ffaamu zaabwe ku bwereere n'okubasomesa ku nsonga ezitali zimu.

**Omudaala gwa Loko Harvest Farm** abalunda enkoko enzungu mu ngeri ezibiikisa amagi g'enjuba ya kyenvu gwabadde gujjudde buli kadde nga basomesa abalunzi ng'eno abantu bwe balya ku magi.

**Jackson Mehangye Mbabazi ne mukyala we Annet Mbabazi,** bannannyini Loko Harvest Organic Farm baategeezezza nti, baayagadde okulaga abantu nti, enkoko enzungu osobola okuzifunamu amagi g'enjuba ya kyenvu abasinga gye banoonya.

"Twagadde okukola ssente ate n'okumalawo endowooza nti, amagi gano majingirire kuva China nga y'ensonga lwaki twaleese n'enkoko ezigabiika," Mbabazi bw'agamba.